IslamHouse.com

# OBUBAKA BUMU BWOKKA

< اللوغاندية- LUGANDA- Oluganda >


**OMUWANDIISI:**

DR. NAAJ BUN IBRAHIIM AL ULAFIJ



**OMUVVUUNUZI:**

FAROOQ ABDULNOOR NTANDA

**OKWEKENNEENYA:**

ABDULRAHMAAN IBRAHIIM MUKISA

IslamHouse.com

# رسالة واحدة فقط

تأليف:

د. ناجي بن إبراهيم العرفج

**ترجمة:** فاروق عبدالنور انتاندا

**مراجعة:** عبدالرحمن إبراهيم موكيسا

# KITONEDDWA:

- ERI BULI ANOONYA EKITUUFU MUMAZIMA N'OBWENKANYA.
- N'ERI ABO BONNA ABALINA AMAGEZI AGAFUMINTIRIZA

# EBIRI MUNDA


| NO | OMUTWE | OLUPAPULA |
|---|---|---|
| 1 | EBIBUUZO EBY'OKWEBUUZA NGA TONNASOMA BUBAKA BUNO | **1** |
| 2 | WAKATI MU MULAMWA GUNO | |
| 3 | OKWAWULA ALLAH MUKITABO EKITUKUVU (ENDAGAANO ENKADDE) | |
| 4 | OKWAWULA ALLAH MUKITABO EKITUKUVU (ENDAGAANO EMPYA) | |
| 5 | OKWAWULA ALLAH MU QUR'AAN EY'EKITIIBWA | |
| 6 | OKUWUMBAWUMBA | |
| 7 | OKUFUMINTIRIZA OKUSEMBAYO | |
| 8 | EBITABO BW'OMUWANDIISI EBIRALA | |
| 9 | | |

## EBIBUUZO EBYOKWEBUUZA NGA TONNASOMA BUBAKA BUNO

1: Kiki ekigendererwa mu bubaka buno?

2: Ebitabo ebitukuvu ebyasooka kiki kyebibwogerako?

3: Qur'aan eyekitiibwa ebwogerako ki?

4: Olina ndowooza ki kubwo oluvannyuma lwebyo byonna?

## WAKATI MU MULAMWA GUNO

Oluvannyuma lw'okutondebwa kwa Nabbi Adam (a.s.w) waliwo obubaka bwa mulundi gumu bwokka bunnansangwa obwaletebwa eri abantu okusinziira ku byafaayo by'obuntu. Mu mbeera eyokwagala okujjukiza abantu obubaka buno, n'okubazza kubuwufu bwekkubo eggolokofu yatuma Allah omusinzibwa omu yekka owamazima ababaka neba Nabbi okugeza nga Nabbi Adam, Nuuh, Ibrahiim, Muusa, Isa, Muhammad -okusaasira kwa Allah n'emirembe bibe kubo bonna- babeere nga batuusa bonna obubaka bumu obugamba nti : **" Omusinzibwa ali omu yekka owamazima (Allah) gwe muba musinza"**

# OMUSINZIBWA OMU OWAMAZIMA (YE MUTONZI ) ERA Y'ASINZIBWA

| YATUMA | OKUTUUSA OBUBAKA BUNO |
|---|---|
| Nuuh (a.s.w) | Allah ali omu, musinze Allah yekka. |
| Ibrahiim (a.s.w) | Allah ali omu, musinze Allah yekka. |
| Muusa (a.s.w) | Allah ali omu, musinze Allah yekka. |
| Isa (a.s.w) | Allah ali omu, musinze Allah yekka. |
| Muhammad (s.a.w) | Allah ali omu, musinze Allah yekka. |

Allah yatuma abenkizo mu babaka n'abalala mwabo betumanyi ne betutamanyi mubabaka neba Nabbi bajje b'atuukirize obuvunaanyizibwa obwenjawulo era nga mubwo mulimu buno wammanga:

1. Okufuna obubaka obuva ewa Allah n'okubutuusa eri abantu babwe n'abagoberezi.

2. Okusomesa abantu butya bwebalina okwawula Allah, n'okukola Ibaadat ku lwa Allah.

3.Okubeera eky'okulabirako ekirungi mubikolwa ne mubigambo basobole okugobererwa abantu mukkubo lyabwe eribatwala eri Allah.

4.Okulunngamya abagoberezi babwe eri okutya Allah n'okugoberera ebiragoro bye.

5. Okusomesa abagoberezi babwe amateeka ge ddiini n’empisa ennungi.

6. Okulunngamya abo abajeemu n’abasiinza ebitali Allah nga amasanamu n’ebirala.

7. Okutegeeza abantu nti bajja kuzuukizibwa oluvannyuma lw’okufa kwabwe, era nga baakubalibwa emirimu gyabwe kulunaku lw’okuyimirira (mu maaso ga Allah), Oyo yenna akkiriza Allah n’akola emirimu emirungi empeera ye wakuyingizibwa mu Jjanah, n’oyo agatta ku Allah ne kintu ekirala n’amujeemera obuddiro bwe wakuyingizibwa mu muliro.

Mazima ababaka neba Nabbi bonna eyabatonda era n’abatuma omusinzibwa omu bwati (Allah). Ensi eno n’ebitonde byonna ebigiriko biraga okubaawo kwa Allah oyo omutonzi era nebijulira obwomu bwe, Allah ye mutonzi wensi eno nebigiriko nga abantu, ebisolo, ebiwuka n’ebirala, era ye mutonzi w’okufa okwokuzikiriza n’okusaana wo wamu n’obulamu obutaggwawo.

Mazima ddala ebitabo ebitukuvu eri Abayudaaya, Nabakulisitaayo, N’abasiraamu byonna bijulira okubaawo kwa Allah n’obwomu bwe.

Omuntu yenna anoonya amazima bwasoma amakulu g’omusinzibwa n’obwegendereza n’ekigendererwa ekirungi mu kitabo ekitukuvu (Bayibuli) ne Qur’aan eyekitiibwa asobola okwawula ebitendo

ebyobwannamunigina byeyeyawulidde nabyo Allah era nga tewali kintu kyonna kirala kimwegattako mubyo, era nga bino byebimu kubitendo ebyo.

1. Omusinzibwa owamazima mutonzi so teyatondebwa.

2. Omusinzibwa owamazima oli omu yekka talina kimwegattako, tazaala era teyazaalibwa.

3. Allah yayawukana tagerageranyizibwa kubitonde, era amaaso (gaffe) tegasobola kumulaba kuno kunsi.

4. Allah walubeerera era tafa, talina kintu kyonna kyalabiramu wadde okwabala omubiri gwekitonde kye kyonna.

5. Allah yeyimiririzaawo kululwe, era nga ye yesigamirwako buli kimu, mugagga eri bitonde bye talina bwetaavu bwonna gyebiri, talina taata oba maama, omukyala wadde omwaana, era talina bwetaavu bwa kulya nakunywa oba obuyambi bwonna eri omuntu yenna wabula ate ebitonde Allah byeyatonda byo byetaavu gyaali.

6. Allah yeyawulidde n’ebitendo ebigulumivu, ebijjuvu, ebirungi era nga tewali kimwegattako mubyo, wadde ekitonde kyonna okumwefaanaanyiriza mubyo, era nga talina kimufaanaana.

*Abakulisitaayo abamu beewunya nga beebuziganya: Katonda ayinza atya okuba omu, songa ffe tukkiriza omusinzibwa omo teli mulala*

Amazima gali nti okusinziira ku kusoma kwange n'okunonyereza okwamaanyi kwenkoze ku bukurisitaayo, n'okwogerezeganya kwange okungi n'abakulisitaayo abenjawulo, nesanga nti "Allah" gyebali (okusinziira nga abamu bwebafumintiriza) azingiramu bino wammanga:

1.Katonda taata.

2.Katonda mwaana.

3.Katonda mwoyo mutukuvu.

Mazima embeera ey'obuntu, n'obwongo obuteefu bireetera omuntu okubuuza abakulisitaayo ebibuuzo bino wammanga:

* Makulu ki agali mu kigambo kyammwe nti "Katonda ali omu" songa ate mulaga nti bakatonda bali basatu?.

* Abaffe Katonda omu ali mubasatu oba abasatu bali mu omu (1 mu 3 oba 3 mu 1)?

Okwongereza kwekyo, n'okusinziira kuzimu kunzikiriza z'abakulisitaayo, bakatonda abo abasatu balina emirimu gyebakola mubifaananyi ebyenjawulo nga bwekirambikiddwa wammanga:

1. Katonda taata = ye mutonzi

2. Katonda mwana = ye yabafiririra
3. Katonda mwoyo mutukuvu = ye muwi wamagezi.

Mazima okulowooza nti Masiya mwana wa katonda oba nti ye yekatonda, obanti kitundu ku Katonda, bikontanira ddala n'ebyawandiikibwa mu Tawuraat ne Injiir (bayibuli) kubanga biraga nti Katonda teri muntu yenna ayinza kumulabako kuno kunsi: "Mazima mmwe temuyinza kuwulira doboozi lye wadde okulaba ku kyenyi kye" (yokaana 5/37).

" Teri n'omu yali amulabyeko era teri n'omu ayinza kumulabako" (Obubaka obwasooka eri Timosi 6/16)

"Teri n'omu andabako n'asigala nga mulamu" (okuva 33/20)

Okusinziira ku byawandiikibwa ebyo n'ebirala, mazima nze newuunya era ne nebuuza nti ddala ddala butya byetuyinza okwaataganya wakati wabagamba nti Isa ye Katonda nebyawandiikibwa mu bitabo ebitukuvu ebikkaatiriza nti teri n'omu yali alabye ku Katonda wadde okuwulira eddoboozi lye?!

* Abayudaaya mukiseera ekyo n'abenganda za Isa n'abagoberezi be baalinga tebala Isa (a.s.w) -Katonda omwana nga abamu kubo bwebakkiriza- era nebawulira eddoboozi lye?

* Tawuraat ne Injiir bikikkaatiriza bitya nti Katonda teri ayinza kumulabako wadde okuwulira edoboozi lye

ate netukyesanga nti waliwo abakkiriza nti Nabbi Isa abantu gwebaalabako era nebawulira eddoboozi lye ye Katonda oba Omwana wa Katonda? Abaffe waliwo ekyama ekikusike ekifa ku bwennyini bwa Katonda? Mazima tawuraat ekkaatiriza ekyennyume kyekyo, bweyatubuulira ekigambo kya Katonda ekigamba nti: "Mazima ddala nze Omulezi wammwe era tewaliiyo musinzibwa mulala (atali nze), era mazima ddala nze ssogera kaama wadde okufuula ebirubirirwa (byange) obyekweese, Mazima nze Katonda wammwe, era nga njogera bituufu byereere, era nanga mazima" (Isaaya 45:19).

**Kakati amazima gegaliwa**? Soma ebigambo ebyo waggulu obiddingane obyekenneenye era obifumintirize.

Kakati negattaako tutambulire wamu mulugendo lwokunoonyereza n'okuzuula obwenyini bwakatonda mubitabo ebitukuvu (bayibuli endagaano empya ne nkadde) wamu ne Qur'aan eyekitiibwa nga nsuubira okuba endowooza zammwe n'endaba zammwe oluvannyuma lwokwekenneenya A'yaat (za Qur'aan), nebwawandikibwa mubitabo ebitukuvu, n'okusoma akatabo kano olusoma lwokunojjola mubwesimbu n'amazima

Okusinziira ku mulamwa guno kakulage obujulizi nga tebuliiko nyongereza yonna nga nsaba

obufumintirizeeko n’obwegendereza mu mbeera etaliimu kyekubiira.

## KATONDA OWANNAMUNIGINA OWAMAZIMA MU BAYIBULI (ENDAGAANO ENKADDE)

Wuliriza owange gwe yisirayiri: Katonda waffe omulezi Omusinzibwa ali omu yekka (Atathiniya 6:4)

Teyatutondera Katonda omu omwoyo gw’obulamu era natugabirira? (Malakhy 2:15)

Olwonno mulyoke mumanye era munzikirize, mutegeere nti mazima ddala nze, nze Katonda, tewabeerangayo oluberyeberye lwange musinzibwa mulala (atali nze) era tewalibaayo oluvannyuma lwange musinzibwa mulala, nze muleze (w’ensi n’ebigiriko byonna) era tewali kamala byonna mulala atali nze. (Isaaya 43:10\11).

Nze owoluberyeberye era oluvannyuma. Era tewali musinzibwa mulala yenna atali nze. Abaffe ani anfanaana? (Isaaya 44:6).

Si nze Katonda omulezi (wammwe) era nga tewaliiyo musinzibwa mulala atali nze? Agonderwa era nga yakolerwa buli kimu, era nga teriIyo mulala yenna? (Isaaya 45:21)

**Abaffe Olinayo obujulizi obulala bwojjukira obubufaanana**

KATONDA OWANNAMUNIGINA OWAMAZIMA MU BAYIBULI (ENDAGAANO EMPYA).

*N'obulamu obutaggwawo buli mu kukumanya gwe Katonda owamazima omu bwati n'okukkiriza masiih gwe watuma. (Yokaana 17:3).

*Musinze Allah Katonda wammwe era buli kimu mukikolere ye yekka. (Matayo 4:10).

*Wulira owange gwe Isirayiri: Katonda waffe gwetulina okusinza ali omu… Mazima Allah ali omu yekka, era tewali mulala atali ye. (Makko 12:28-33).

*Omusajja omu yajja eri Yesu namugamba nti: "Owange mukamawange Omutuukirivu kintu ki kyenyinza okukola nsobole okufuna obulamu obutaggwawo? Yesu n'amuddamu nti: Lwaki ompita omutuukirivu? Tewali mutuukirivu okujjako Omu yekka Katonda. (Matayo 19:16-17 nga bwekiri mukitabo kya kabaka James).

**Abaffe osobola okutubuulirayo obujulizi obulala obukakasa nti Katonda ali omu yekka so ssi basatu?**

## KATONDA OMU OWAMAZIMA MU QUR'AAN

Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿قُلۡ هُوَ ٱللَّهُ أَحَدٌ ١ ٱللَّهُ ٱلصَّمَدُ ٢ لَمۡ يَلِدۡ وَلَمۡ يُولَدۡ ٣ وَلَمۡ يَكُن لَّهُۥ كُفُوًا أَحَدُۢ ٤﴾ الإخلاص: ١ - ٤

{Bagambe nti: Katonda ali omu yekka bwaggereggere (Talina amufanaana mubwennyini bwe, oba ebitendo bye wadde ebikolwa bye) Katonda ayesigamirwa, Teyazala era Teyazalibwa (kubanga buli kyonna ekyazalibwa kya kufa era buli kyonna ekifa kizikirira, Katonda si wakufa n'olwekyo si wakuzikirira) era talina yenkana naye n'omu}

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿لَآ إِلَٰهَ إِلَّآ أَنَا۠ فَٱعۡبُدُونِ ٢٥﴾ الأنبياء: ٢٥

{Mazima tewali Katonda mulala (asinzibwa) wabula nze nzekka, kale munsinze (nga munjawula mubwa Katonda temungattako mulala)}.

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿لَّقَدۡ كَفَرَ ٱلَّذِينَ قَالُوٓاْ إِنَّ ٱللَّهَ ثَالِثُ ثَلَٰثَةٖۘ وَمَا مِنۡ إِلَٰهٍ إِلَّآ إِلَٰهٞ وَٰحِدٞۚ وَإِن لَّمۡ يَنتَهُواْ عَمَّا يَقُولُونَ لَيَمَسَّنَّ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ مِنۡهُمۡ عَذَابٌ أَلِيمٌ ٧٣﴾ المائدة: ٧٣

{Mazima baawakanya (Katonda) abo abagamba nti: Mazima Katonda wa kusatu kubasatu, Ssonga tewali Katonda mulala yenna wabula oyo Katonda Ali omu

(omutonzi) bwe banaaba nga tebeekomyeko kwebyo byebagamba bijja kukwatira ddala abo abawakanya Katonda mubo ebibonerezo ebiruma}

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿إِنَّ إِلَٰهَكُمْ لَوَٰحِدٌ ﴿٤﴾﴾ الصافات: ٤

{Mazima ddala Katonda wammwe (gwe mulina okusiinza) ali omu}

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿أَءِلَٰهٌ مَّعَ ٱللَّهِ ۚ قُلْ هَاتُوا۟ بُرْهَٰنَكُمْ إِن كُنتُمْ صَٰدِقِينَ ﴿٦٤﴾﴾ النمل: ٦٤

{Abaffe waliwo Katonda ali awamu ne Katonda omutonzi? Bagambe nti muleete obujulizi bwammwe (obulaga nti waliwo Katonda omulala atali Katonda omutonzi) bwemubeera nga mwogera mazima}

Bwosoma Qur’aan nogitegeera bulungi okiraba nti mazima ddala obubaka obwokwawula Allah (Tawuhiid) gwe mulamwa omukulu mu Qur’aan

## OKUWUMBAWUMBA

Mazima ddala ebyawandikibwa ebyo n’ebirala byebimu ku nkumi ne nkumi z’obujulizi obuli mu kitabo ekitukuvu (Bayibuli) ne Qur’aan eyekitiibwa obukakasa awatali kubuusabuusa kwonna nti Katonda ali omu yekka era tewali musinzibwa mulala atali ye, nga ekitabo ekitukuvu (Bayibuli) bwekigamba nti: “Wulira owange gwe Isirayiri: Katonda waffe

gwetulina okusinza ali omu… Mazima Allah ali omu yekka, era tewali mulala atali ye. (Makko 12:28-33).

Era ne Qur'aan neyogera ensonga yeemu Allah bweyagamba nti:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ قُلْ هُوَ ٱللَّهُ أَحَدٌ ۝١ ﴾

{ Bagambe nti: Katonda ali omu yekka bwaggereggere (Talina amufanaaana mubwennyini bwe, oba ebitendo bye wadde ebikolwa bye)}

Bayibuli tekoma bukomi kukakasa nti Katonda ali omu yekka wabula ekikkaatitiza nti era ye yemutonzi alina okkolerwa buli kimu "Olwonno mulyoke mumanye era munzikirize, mutegeere nti mazima ddala nze, nze Katonda, tewabeerangayo oluberyeberye lwange musinzibwa mulala (atali nze) era tewalibaayo oluvannyuma lwange musinzibwa mulala, nze mulezi (w'ensi n'ebigiriko byonna) era tewali kamala byonna mulala atali nze. (Isaaya 43:10\11).

Ekyonno kiraga bulungi nti ekigambo ekyogerwa nti Isa (a.s.w) Katonda, oba mwoyo mutukuvu tebiriiko mutwe namagulu era tebirina bujulizi bwonna, kubanga nabyo bitonde mubitonde bya Allah era tabalina kakwate konna mukutonda. Si be Bakatonda wadde okuba n'akakwate konna mubwa Katonda wadde okumufaanana kubanga talina kintu kyonna

kimufaanana okusinziira kubyawandiikibwa mu Bayibuli ne Qur'aan eyekitiibwa.

Allah yasunguwalira abayudaaya olwokubula kwabwe, n'okusinza kwabwe ebintu ebirala ebitali ye 'Obusungu bwa bwa Katonda bwababutikira' (kubala 25:3). Ne Nabbi Muusa yamenyamenya akate kaabwe kebaali bakoze mu zaabu.

Ate kuludda olulala abakkiriza abakulisitaayo baaguminkiriza ebibonerezo ebyabateekwako olwokuba nti b'atongoza Allah era nebamwawula era nebagaana okuwanyisa enjigiriza ya Nabbi Isa (a.s.w) ey'okwawula Allah nebawakanya okungunjawo kwenkola ya basatu mu omu eyatandikibwawo pawulo nabagoberezi be.

Mubufunze Allah yatuma Nabbi Adam, Nuuh, Ibrahiim, Muusa, ne Muhammad (okusaasira kwa Allah kube kubo bonna), bakowoole abantu bakkirize Allah, n'okumusinza nga tebamugattako kintu kirala era obwo bwe bubaka bonna bwe bajja nabwo.

## KATONDA OWAMAZIMA ALI OMU BWATI GWE MUBA MUSINZA YEKKA.

Olw'okuba nti obubaka bwa ba Nabbi bonna (obwabatumwa) buli bumu kalenno ne ddiini yabwe bonna eri emu. Kakati eddiini ya Babaka neba Nabbi abo y'eriwa?

Mazima ddala ekinyusi kye ddiini yabwe kiyimiridde era kizimbiddwa ku kwewaayo eri Allah owekitiibwa, era nga ebyo byebigambo ebinnyonnyola amakulu ge kigambo ‘Busiraamu’  era nga ekyo kyekitegeeza mululimi oluwalabu.

Era Qur’aan eyekitiibwa ekikkaatiriza bulungi nti Obusiraamu ye ddiini ey’amazima era eya ba Nabbi ba Allah n’ababaka be bonna, era nga kisoboka okulondoloola n’okugoberera amazima ago agali mu Qur’aan ne mu Bayibuli (Era nga amazima ago tujja kugalaba mu kitabo kyaffe ekiddako Insha-a Allah).

Nga tumaliriza, Kitukakatako bwetuba nga twagala okutuuka kukinyusi ky’obubaka buno (Ababaka bwe bajja nabwo) okubukkiriza okwannamaddala, si ekyo kyokka wabula n’okukkiriza ba Nabbi ba Allah n’ababaka be bonna, (era nga ekyo kizingiramu n’okukkiriza Nabbi Muhammad (s.a.w), n’okugoberera obulungamu bwe wamu n’okubukolerako. Eryonno lye kkubo erikutwaala eri obulamu obutagwaawo obwokwesiima.

Owange gwe anoonya amazima mubwennyini bwago, era nga agaagala, oba olyawo olowooza kunsonga eno era nga ogifumintirizaako kati kati nga ebiseera tebinnaba kukuyitako, oluberyeberye nga okufa tekunnaba kukutuuka ko kubanga kujja kubwatukira, ani amanyi ddi lwekunaamutuuka ko!

Oluvannyuma lwokulowooza n’okufumintiriza kunsonga eyo enkulu ennyo n’amagezi agasengejja, no’mutima ogwamazima osobola okukyasanguza nti Katonda ali omu talina kintu yonna kimwegattako, era talina mwaana, era n’omukkiriza, n’omusinza yekka nga tomugasseeko kilala kyonna, era n’okkiriza nti Muhammadi Nabbi era Mubaka wa Allah nga era bwekiri ku Nuuh, Ibrahiim, Musa, ne Isa.

Mukiseera kino osobola okwogera ebigambo bino bwoba nga oyagadde “ Ashihadu allaa Ilaaha Illa Allah wa Ashihadu anna Muhammada rasuulu Allah”.

Shahaada eyo gwemutendera gw’omulimu ogusooka eri ekkubo lwobulamu obutaggwaawo obwokwesiima era nga kyekisumuluzo ekituufe ekyemiryango gye Jannah.

Bwoba nga osazeewo okukwata ekkubo eryo (ery’okusiramuka) osobola okusaba obuyambi okuva eri mukwano gwo, oba mulirwana wo omusiraamu akulagirire omuzikiti oguli okumpi oba ekitongole kyonna ekyobusiraamu osobole okuyambibwa.

Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ ۞ قُلْ يَٰعِبَادِيَ ٱلَّذِينَ أَسْرَفُواْ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِمْ لَا تَقْنَطُواْ مِن رَّحْمَةِ ٱللَّهِۚ إِنَّ
ٱللَّهَ يَغْفِرُ ٱلذُّنُوبَ جَمِيعًاۚ إِنَّهُۥ هُوَ ٱلْغَفُورُ ٱلرَّحِيمُ ٥٣ وَأَنِيبُوٓاْ إِلَىٰ رَبِّكُمْ وَأَسْلِمُواْ لَهُۥ

مِن قَبۡلِ أَن يَأۡتِيَكُمُ ٱلۡعَذَابُ ثُمَّ لَا تُنصَرُونَ ﴿٥٤﴾ وَٱتَّبِعُوٓاْ أَحۡسَنَ مَآ أُنزِلَ إِلَيۡكُم
مِّن رَّبِّكُم مِّن قَبۡلِ أَن يَأۡتِيَكُمُ ٱلۡعَذَابُ بَغۡتَةً وَأَنتُمۡ لَا تَشۡعُرُونَ ﴿٥٥﴾

﴾ الزمر: ٥٣ - ٥٥

{Bagambe nti: Abange abaddu bange abo abayitirizza okwonoona kumyoyo gyabwe, temukutukanga n’okusuubira okusaasira kwa Katonda, Mazima Katonda asonyiwa ebibi byonna, mazima ye ye musonyiyi omusaasizi * Era mwenenye nga mudda eri Mukama wammwe, mweweeyo ku lulwe oluberyeberye nga tebinnabajjira ebibonyobonyo oluvannyuma ne mutataasibwa (muntu n’omu kubaggya mubibonerezo bye) * Mugoberere ekisinga obulungi ekyo ekyassibwa gyemuli (Qur’aan) oluberyeberye nga ebibonerezo tebinabajjira ekibwatukira nga nammwe temumanyi}.

EKISEMBAYO: Oluvannyuma lw’okusoma obubaka buno mumbeera eyobwegendereza, omuntu owamazima era omunyinkivu ayinza okwebuuza ebibuuzo ebitali bimu naye tuli beteefuteefu okwanukula ebibuuzo byammwe Inshaa Allah.

Oyo yenna alina kyayagala okubuuza asobola okututuukira kundagiriro eno wammanga www.lugandaislamhouse.com

IslamHouse.com